# NAMAGUNGA PRIMARY BOARDING SCHOOL

## EKIGEZO KY'OLUWUMMULA

## EKIBIINA EKYOKUNA - LUGANDA 2021

Erinnya: ______________________________________________ Ekibiina: _________

**Essomo erisooka**

Ebigambo ebikontana n'enkozesa yaabyo mu mboozi.

Ebigambo ebikwata ku bantu n'ebikolwa byebakola.

a) mumpi – muwanvu

b) munene – mutono

c) mweru – muddugavu

d) mukulu – muto

e) aseka – akaaba

f) atudde – ayimiridde

g) azibiridde – atunula

h) atudde - ayimiridde

i) adduka - atambula

j) agenda - akomawo

k) alinnya - akka

**Omulimu**
**Wandiika ekigambo ekikontana n'ekisaziddwako mu mboozi.**

1. Omwana ono obudde bwebuziba abeera azibiridde, naye bwebukya nga ………………………………
2. Nakato muwala munene, kyokka ate Babirye ………………………………
3. Musoke bwaba agenda ku ssomero …………………………………… ate bwaba akomawo atambula.
4. Omukyala omufumbi olumu abeera …………………………………ate olulala muddugavu.
5. Nze nnina mukulu wange era ne ………………………………wange.
6. Kasule alinnya omuti omuwanvu, bwanatuuka waggulu ng'……………………
7. Jajja yatuuka ekiseera n'aseka nnyo ate oluvannyuma n' ……………………………
8. Taata akeera ku nnakya n'agenda ate olweggulo n'…………………………………

**<u>Essomo eryokubiri</u>**

**Enjatula n'enkozesa y'ebigambo ebiraga obwannanyini okugeza.**

i) gwange
ii) zange
iii) gange
iv) lyange
v) kyange
vi) lwange
vii) kange
viii) byange

**Okuzimba emboozi n'ebigambo ebiraga obwannannyini.**

**Okugeza**

a) Akatebe kange kamenyese.
b) Ekitabo kyange kiweddeko.

**Omulimu**

**Jjuza ebigambo bino webija mu mboozi.**

zange , kange , lwange , byange , gwange , gange , kyange , lyange

1. Eddoboozi ..........................nga ddene nnyo.
2. Omuyembe..............................guli waggulu ku muti.
3. Olugoye ................................terutukudde nako.
4. Amata ..................................gayiise mu kyoto.
5. Ente ............................zonna zigenze mu nsiko.
6. Ekikopo .............................kigudde wansi nekyatika.
7. Ebitabo .............................biri mu kabada byonna.
8. Akamyu .............................kaafudde oluvannyuma lw'okulwala.

**<u>Essomo eryokusatu</u>**

Okuddamu ebibuuzo ku bisomeddwa.

Emboozi y'abantu ababiri

**Nakitto ne Nakimuli**

**Nakitto** : Obeera wa?
**Nakimuli** : Mbeera Wakiso
**Nakitto** : Obeera n'ani?
**Nakimuli** : Mbeera ne taata, maama ne baganda bange babiri
**Nakitto** : Ekitegeeza mubeerawo abantu bataano awaka.
**Nakimuli** : Kituufu, tubeerawo bataano awaka.
**Nakitto** : Bazadde bo bakola mirimu ki?
**Nakimuli** : Taata musomesa ate maama musawo.
**Nakitto** : Kirabika bakeera nnyo okugenda okukola.
**Nakimuli** : Kituufu ddala, taata akeera kubanga ye mukuku w'essomero, ate maama ajjanjaba abalwadde ababa basuzeewo.
**Nakitto** : Kyotegeeza eddwaliro liri waka?
**Nakimuli** : Eddwaliro liriraanye awaka era abalwadde bwebajja, bamuyita naabajjanjaba.

**Ebibuuzo**

1. Emboozi yali ekwata ku ki?

   .............................................................................................................

2. Mu mboozi mulimu abantu bameka?

   .............................................................................................................

3. Abantu bameka abaali babeera ne Nakimuli?

   .............................................................................................................

4. Taata wa Nakimuli yali akola mulimu ki?

   .............................................................................................................

5. Ani yali ajjanjaba abantu mu lugero?

   .............................................................................................................

6. Eddwalito lyali ludda wa?

   .............................................................................................................

7. Taata yali akola ng'ani ku ssomero?

   .............................................................................................................

8. Nakimuli baali babeera wa?

   .............................................................................................................

**Essomo eryokuna**

**Enkozesa y'obubonero obw'enjawulo.**

a) Akabonero akawummuza ( . )

b) Akabonero akabuuza ( ? )

c) Akabonero akewuunyisa ( ! )

b) Akabonero akakutula ( , )

e) Akabonero akasukkize ( ' )

**Teeka akabonero wekaja mu mboozi.**

1. Ani atadde emmere n☐ enva mu ssowaani ☐
2. Kitalo eky'ente ye gyabadde ayagala ennyo☐
3. Tugende tugule ennyama☐ n☐ebyo kunywa byonna☐
4. Oluvannyuma lw☐olunaku olusooka ☐baddayo mu ddwaliro ☐
5. Omwami n☐omukyala omuwanvu bebaali badduka emisinde ☐

6. Yasooka kulya mmere n□oluvannyuma n’anywa amazzi□
7. Weekwese wa n□omulaalo□
8. Kyewuunyisa abantu okudda ekiro n□enva□

## Essomo eryokutaano

### Amannya g’emyezi

**Okusoma n’okuddamu ebibuuzo.**

1. Gatonnya
2. Mukutulansanja
3. Mugulansigo
4. Kafuumulampawu
5. Muzigo
6. Sssebo aseka
7. Kasambula
8. Muwakanya
9. Mutunda
10. Mukulukusabitungotungo
11. Museenene
12. Ntenvu

**Ebibuuzo**

a) Emyezi emeka egiri mu mwaka?

..........................................................................................................

b) Wandiika omwezi ogusooka.

..........................................................................................................

c) Omwezi ogwa Museenene gulimu ennaku mmeka?

..........................................................................................................

d) Enswa empawu zibuuka mu mwezi ki?

..........................................................................................................

e) Kutula ekigambo “Kafuumuulampawu” mu nnyingo.

..........................................................................................................

f) Omwezi ogwomunaana tuguyita tutya?

..........................................................................................................

g) Ennyingo mmeka eziri mu kigambo “Mukulukusabitungotungo”?

..........................................................................................................

h) Wandiika amannya g’emyezi ag’ennyingo essatu.

(i) ............................................ (ii)..............................................

(iii)............................................

## Essomo eryomukaaga

**Emikolo**

**Ebika by'emikolo**

a) embaga
b) okwanjula
c) okubatiza
d) okwalula
e) okuwangula emisomo
f) okufiirwa
g) okwabya olumbe

**Embaga y'obugole**

**Omukolo gw'okufumbiriganwa mu bufumbo.**

**Ebigambo ebikozesebwa**

a) abagole
b) emperekeze
c) kadaali
d) ebimuli
e) omusumba
f) ebyokulya
g) ebyokunywa
h) kalabaalaba
i) omusasereddooti
j) abako
k) weema

**Emboozi**

**Jjuzaamu ebigambo ebijaamu.**

i) Abatimbi baatimbye bulungi ……………………………….

ii) ……………………………n'omugole baanyumye nnyo.

iii) ……………………………w'omukolo yayogedde bulungi.

iv) …………………………n'e ………………………byabadde bingi ku mbaga.

v) ………………………………b'omugole omukyala baanyumye.

**<u>Essomo eryomusanvu</u>**
**Okusoma olugero n'okujjuzaamu ebibulamu**

**EMBAGA YA KAMOGA**

**Jjuza ebigambo bino webija mu lugero**.

baanywa , awaka , kyalo , nebagenda , mwami , amazina , nkeera , embaga , Kamuli , emmere

Lwali lumu ku ……………………..kyaffe nekubaako …………………. Embaga eno yali ya …………………………..n'omukyala Kamoga nga babeera Kamuli. Ku mbaga kwaliko …………………………..nnyingi n'enva ez'emboga n'ezennyama nga nnyingi nazo. Abantu baalya ebyokulya byali bingi.

…………………………..n'omwenge nga mungi. Abantu bokukyalo kino baazina ……………………… nebakoowa bukooyi. Abasinga obungi ewaabwe baddayo ………………………… Ab'oluganda n'abemikwano gy'abagole bokka beebaasigala ……………………..okulongoosa n'okutereeza ebyetaagisa. Olunaku olwaddako nabo……………………………

**<u>Essomo eryomunaana</u>**
**Okumanya ekika kyo**

a) Buli muganda alina ekika mwava.
b) Buli kika kirina omuziro.
c) Omuziro kiba kisolo, kinyonyi, kiwuka, nva, emmere nebintu ebirala.

Egimu ku miziro gyegino:

| **Ebisolo** | **Ebinyonyi** | **Ebiwuka** | **Ebimera** |
|---|---|---|---|
| Engo | Akasanke | Enseenene | Ekkobe |
| Empologoma | ŋŋaali | | |
| Enjovu | Namuŋoona | | |
| Ente | Nakinsige nebirala | | |
| Envubu | | | |
| Emmamba | | | |

nebirala

**Ebibuuzo**
1. Wandiika emiziro gy'ebisolo esatu.

 a) ……………………………… b)…………………………… c)…………………………

2. Wandiika emiziro gy'ebinyonyi esatu.

 a) ……………………………… b)…………………………… c)…………………………

3. Miziro ki egy'ebisolo ebibeera mu nnyanja.

a) ................................................... b)...................................................

4. Miziro ki egy'ebisolo ebinene.

a) ................................................... b)...................................................

5. Wandiika emiziro gy'ebiwuka ebiri.

a) ................................................... b)...................................................

**Essomo eryomwenda**

**Okuwandiika ebbaluwa**

**Ebbaluwa entongole**

Ebitundu by'ebbaluwa entongole

i) Endagiriro y'omuwandiisi
ii) Omulamwa gw'ebbakuwa
iii) Okufundikira
iv) Erinnya n'omukono gwomuwandiisi

Ekyokulabirako ky'ebbaluwa.

Namagunga P.B. School
P.O.Box 68
Lugazi
15, Muzigo 2020

Eri maama omwagalwa,
Nkuwandiikidde ebbaluwa eno nga nkutegeeza nti ebitabo byonna byennaleeta byonna byaggwako. Mbadde nsaba ongulireyo ebirala, Kamoga abindeetere.

Nneyanzizza nnyo maama.
Nze muwala wo
Nakamoga Joan

**Ebibuuzo**

1. Ani yawandiika ebbaluwa eno?

.......................................................................................................

2. Omuwandiisi asomera wa?

.......................................................................................................

3. Ani yatwalira omuwandiisi ebitabo?

.......................................................................................................

4. Ebitabo ebirala byali bibadde ki?

.......................................................................................................

5. Omuwandiisi ebbaluwa yagiwandiika ddi?

   .......................................................................................................

6. Omuwandiisi ebbaluwa yagiwandiikira ani?

   .......................................................................................................

7. Omuwandiisi yali asomera wa?

   .......................................................................................................

8. Wandiika abantu babiri okuva mu lugero.

   a)............................................... b)....................................................

**Essomo eryekkumi**

**Ebibuuzo ebyokwejjukanya**

**Wandiika ebigambo ebikontana nebisaziddwako mu mboozi.**

1. Omusajja omuwanvu yeyasinze okudduka emisinde emiwanvu .....................

2. Omukyala atunda emmere mweru nnyo. ..........................

**Saza ku biraga obwannanyini mu mboozi.**

3. Ekitabo ekiri mu kibiina kyange.

   .......................................................................................................

4. Embwa zange zirya nnyama enfumbe.

   .......................................................................................................

**Teeka obubonero webuja mu mboozi.**

5. Lwaki maama n□abaana tebalya nnyama□

6. Kitalo nnyo ekya kkapa embwa n□enkoko zo okufa□

**Ddamu ebibuuzo bino.**

7. Mu mwaka mulimu emyezi emeka?

   .......................................................................................................

8. Omwezi ogusooka tuguyita tutya?

   .......................................................................................................

9. Mukolo ki ogubeera ogw'abagole?

   .......................................................................................................

10. Ekyambalo ky'omugole kyayambala bakiyita batya?

    .......................................................................................................

11. Bantu ki abalina ebika?

    .......................................................................................................

10. Kika ki ekyekisolo ekibeera mu mazzi?

    ............................................................................................... **End**